# Buganda ekuzizza olunaku lw'abaana Nnaabagereka ne yeeyama ku bitone

Bya DICKSON KULUMBA

NNAABAGEREKA Sylvia Nagginda yeeyamye okwongera amaanyi mu kutumbula ebitone by'abaana bibayimirizeewo mu biseera eby'omu maaso.

"Ekitongole kya Nnaabagereka Development Foundation kyakwongera okuwagira enteekateeka z'okutumbula ebitone by'abaana nga kiyita mu nteekateeka y'Ekisaakaate kya Nnaabagereka," Nnaabagereka bwe yeeyamye.

Yasinzidde ku mukolo gw'okukuza olunaku lw'abaana mu Buganda mu Lubiri e Mmengo ku Lwokutaano n'asaba n'abaana okuzuula n'okukulaakulanya ebitone Katonda bye yabawa, babikozese.

"Mbasaba muzuule obusobozi n'ebitone byammwe. Buli omu ku mmwe alina ekitone eky'enjawulo mu bulamu bwe, awo nno ddembe lyo okukikulaakulanya nga tolinnyiridde ddembe lya mulala," bwe yalambise abaana.

Abaana abazze ku mukolo guno baavudde mu masomero okwetooloola amasaza ga Buganda era baayolesezza ebitone okuli okuyimba, amazina, okutontoma, okwogera n'okukubaganya ebirowoozo.

Omukolo gwatambulidde wansi w'omulamwa ogugamba nti "Okunnyikiza obumu n'okukuuma eddembe ly'abaana okuzza Buganda ku ntikko."

Minisita avunaanyizibwa ku kikula ky'abantu mu Buganda, Hajjat Mariam Mayanja yasabye abazadde okwagazisa abaana okwogera Oluganda ate bakole ebyo bye baagala abaana bakole, kuba abaana basinga kukola ebyo bye balabira ku bazadde baabwe.

Ku lw'abaana, Enid Nantege okuva e Kyaggwe yasabye buli muntu mu buvunaanyizibwa bwe aveeyo okulaba ng'eddembe ly'abaana litumbulwa, bakule bulungi ate beenyigire mu nkulaakulana y'eggwanga lyabwe.



Nnaabagereka Nagginda ng'ali mu kifaananyi n'abaana.

Omukolo gwetabiddwaako omukubiriza w'olukiiko lw'Abataka, Omutaka Augustine Kizito Mutumba, ssaabawolereza wa Buganda, Christopher Bwanika, minisita w'enkulaakulana y'abantu era avunaanyizibwa ku ofiisi ya Nnaabagereka, Chotilda Nakate Kikomeko, abaami b'amasaza, abakulira abakyala mu masaza n'abalala.